# Bajjanjabye 5,000 amaaso ku bwereere mu Mbale, Busoga, Bukedea okujjukira omugenzi Rajiv

Bya JOSEPH MUTEBI




Abamu ku baabadde balinze okufuna obujjanjabi. Ku ddyo Sudhir Ruparelia ng'abuuza omu ku bakadde abazze okujjanjabwa.

ENKUMI n'enkumi z'abantu okuva mu disitulikiti z'omu buvanjuba n'obukiikakkono bwa Uganda beeyiye ku ddwaaliro lya 'Bukedea Teaching Hospital' okubajjanjaba obulwadde bw'amaaso ku bwereere nga kutegekeddwa aba ffamire y'omugenzi Rajiv Ruparelia nga bajjukira ebirungi bye yakolera Bannayuganda.

Ffamire y'omugenzi Rajiv nga bakulembeddwaamu kitaawe nnagagga Sudhir Ruparelia ne nnyina Joystna Ruparelia gattako mmwanyina Sheena Rupaprelia, bataddemu ssente okujjanjaba abatuuze b'omu Bukedea, Busoga, Soroti, Mbale, Gulu, Lira, Tororo ne Kapchorwa.

Olusiisira lw'ebyobulamu lwatandise ku Lwokutaano nga March 27 ne lukomekkerezebwa eggulo ku Ssande nga March 29, 2026' nga baawadde abantu abaasusse mu 5,000 obujjanjabi bw'obulwadde bw'amaaso omuli n'abamu okufuna omukisa gw'okulongoosebwa amaaso ku bwereere gattako okuweebwa gaalubindi ez'ebbeeyi.

Ku lwa ffamire ya Sudhir, muwala we Sheena Ruparelia yagambye nti guno gubadde mulundi gwakuna nga bategeka ensiisira z'ebyobulamu nga bawa abantu omukisa okubajjanjaba amaaso mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo kyokka olw'omulundi guno lwabadde lwa njawulo kuba baasaasaanyirizzaako obuwumbi bubiri.

Mu lusiisira lwe lumu, abantu b'omu buvanjuba n'amambuka baawaddeyo omusaayi era Sudhir yakwataganye n'amalwaliro amanene okuli Mulago, C-Care, Bukedea Teaching Hospital, Anita Foundation ne Victoria University.

Sheena yagambye nti, mu nsiisira ze bazze bakuba, bajjanjaba n'omukyala ow'emyaka 90, eyali amaze emyaka wakati we 10 ne 15, nga talaba era kati alaba.

Akulira Victoria University, Dr. Lawrence Muganga yagambye nti kibadde kikulu nnyo okujjukira Rajiv mu ngeri y'okuddiza abantu abalina obwetaavu nga bajjanjabibwa amaaso.

Omubaka omulonde owa Bukedea, Beecham Okwere David, yasiimye ffamire ya Sudhir olw'obujjanjabi buno.